# Minisita asanyukidde abawala okweyongera mu masomo ga ssaayansi

Bya LAWRENCE KIZITO NE SHARON NABASIRYE

MINISITA w'ebyenjigiriza Janet Museveni akubirizza abayizi okutunulako mu matendekero g'ebyemikono.

Mukyala Museveni okwogera bino yabadde ku mukolo ogw'okufulumya ebyavudde mu bigezo bya siniya eyoomukaaga omwaka oguwedde, mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero, eggulo ku Lwokutaano.

Yennyamidde olw'abayizi abatayagala kugenda mu matendekero ag'ebyemikono, ge yagambye nti gayambye okuwa Uganda abakozi abakola mu makolero, ate nga n'okwetandikirawo emirimu kyanguwa, bwatyo n'abasaba okwettanira amatendekero gano.

Yasanyukidde eky'abawala abakola ssaayansi okweyongera, ate ng'ekizzaamu amaanyi bakola bulungi. Yalaze nti wadde nga amasomo g'embeera z'abantu makulu mu kulung'amya empisa z'eggwanga, okuyigiriza abantu okukola bizinensi, okwagala ensi yaabwe, kwossa ebyobuwangwa byabwe, twetaaga amasomo ga ssaayansi okusobola okusitula amakolero n'obuyiiya mu ggwanga.




Mukyala Museveni mu kufulumya ebigezo bya S.6.

Abazadde yabakubirizza okusituka babeere mu bulamu bw'abaana baabwe nga bababuulirira n'okubalaga ekkubo ettuufu ery'okukwata mu lugendo lw'obulamu, kubanga okusoma kw'omwana buvunaanyizibwa obugabanyizibwa mu bantu ab'enjawulo omuli n'omuzadde.

Yalaze nga Gavumenti bw'eri mu nteekateeka ez'okwekeneenya ebisomesebwa ku mutendera ga siniya eyoomukaaga okulaba ng'abayizi bafuna amagezi agabasobozesa okuba abayiiya n'okugonjoola ebizibu ebisoomooza abantu mu bitundu byabwe.

Mu kiseera kino, ebisomesebwa mu siniya eyoomukaaga byateerezeddwa ekitongole ekivunaanyizibwa ku kutegeka ebisomesebwa ekya National Curriculum Development Centre (NCDC) ne baggyamu ebiteetaagisa era n'ensomesa abasomesa gye balina okusomesaamu nayo baagitereezezza, okufaanana ng'eri ku mutendera gwa siniya eyookuna.


Clement Nziiza, owa Merryland High Sch. Entebbe yafunye 1AAA4, BCM-ICT (20)

Abayizi abataakoze bulungi bigezo bino yabawadde amagezi okuddamu batuule omwaka guno, oba bagende mu matendekero agasobola okubatwala, naye ekikulu balina kusigala nga bali ku mulamwa ate nga balina essuubi ery'okuwangula mu biseera eby'omu maaso.